# Ssekandi asabye abazadde ku nkuza y'abaana



Ssekandi ng'abuuza ku baabadde ku dduwa. Wakati ye Amb. Walusimbi. Ate mu katono ye mugenzi Kigozi.

Bya SAMUEL KANYIKE

EYALIKO omumyuka wa Pulezidenti, Edward Sekandi asiimye abazadde abafaayo okukuza abaana baabwe obulungi ne basobola okufuuka ab'omugaso eri ebitundu byabwe n'eggwanga.

Yabadde mu Dduwa ey'ennaku 40 ey'omugenzi Isaac Kigozi, n'agamba omugenzi yamulaba bakyatuula ku kizimbe kya Kingdom mu Kampala nga mukozi, assa mu bantu ekitiibwa era ng'ayagala eddini, ekibiina kya NRM n'eggwanga ekiraga nti, yali yakuzibwa bulungi. Kigozi yali mutabani wa Ambassador Hajji Abbey Walusimbi, omuwabuzi omukulu owa Pulezidenti ku nsoga za Bannayuganda abali ebweru w'eggwanga, gwe yeebazizza okukuza obulungi abaana n'okuba omuntu w'abantu.

Minisita w'ensonga z'abakozi Davinia Esther Anyakun yagambye nti, 'omugenzi Kigozi yafiira mu kiseera we baali basinga okumwetaagira nga bayigga obululu bwa NRM. Ate omubaka wa Mawokota omulonde, Amelia Kyambadde yagambye nti, omugenzi Kigozi abadde mukozi nga bamulinamu essuubi.

Yasiimye abantu mu Buganda okuddamu okuyiira Museveni ne NRM obululu n'agamba bagenda kufuba okubaweereza naddala nga balwanyisa obwavu, okukuuma emirembe, ebyenjigiriza, okubakolera enguudo n'ebirala.

RDC wa Luwero, Nalubega Mariam yagambye kyannaku ekitundu kyabwe okufiirwa abavubuka ababadde balaze obwagazi n'okuweereza eggwanga,

Amb. Maj. James Kinobe yeebazizza Amb. Walusimbi, taata w'omugenzi, olw'okugatta Bannayuganda ababeera ebweru w'eggwanga ekyali tekirabwangako.

Omuwabuzi wa pulezidenti ku nsonga za Bannayuganda ababeera ebweru w'eggwanga mu maka ga pulezidenti amakulu, Muhammad Bagonza yajjukidde omugenzi Kigozi ng'omu ku bavubuka ababadde bakyasinze okwagala eggwanga lyabwe era ng'akolera wamu ne kitaawe, aleese abakungu bangi okuva mu America nga bano balina bingi bye bakoze okugasa Uganda.

Amb. Walusimbi, yeebazizza Pulezidenti Museveni na bonna abamubeereddewo mu kaseera ng'aviiriddwaako mutabani we eyafa ekibwatukira. Yagambye nti, musiimu eri omutonzi olw'ebbanga lye yamumuwa era amwenyumirizaamu okusalawo okuva mu America gye yakulira era gye yali akolera, n'asalawo ajje aweereze eggwanga lye ate n'asikiriza ne bamusigansimbi okujja mu Uganda.